SI KITUUFU KUKECULA MU LUBIRI

Bya Prof. Dr. D.D.Ntanda Nsereko

Neebaza Ssaabasajja Kabaka Muwenda Mutebi II olw'okussaawo akakiiko okumuwa amagezi ku ngeri y'okukulaakulanya Olubiri e Mmengo. Kyokka nange neegatta ku abo abalaze okweraliikirira ku biyinza okuva mu kukutulakutula mu Lubiri n'okukoleramu ebyobusuubuzi, mbu ng'akiiko bwe kaawa amagezi.

Ekisooka, olw'okuba ekitebe kya Kabaka, Nnamunswa w'Abaganda, Olubiri ntabiro ya byabuwangwa bwa Baganda; kkowe kkulu erinyweza ennono yaffe; emikolo n'obulombolombo bingi bikolerwa omwo. Okulukutulakutulamu n'okuluzimbamu amaduuka, wooteeri, amasundiro g'amafuta n'eggumbiro (ppaaka) lya bbaasi kijja kulufuula nnalubabwe, kuluyingizaamu jjogoli~~jjogo~~jjogolijjo, kulujaajaamya na kulumalamu kitiibwa kyalwo.

Ekyokubiri, Olubiri si kibuga omwebugirwa abantu aba buli ngeri. Ekibuga kya Buganda ekikulu ye Musipaali y'e Mmengo. Bwe tuba twagala kukulakulanya kibuga, Musipali gwe tuba tukulaakulanya nga tuzimbamu ebifo byobusuubuzi n'emirimu emirala ebivaamu amagoba g'ensimbi; kyokka nga si munda mu Lubiri.

Ekyokusatu, newaakubadde lukyali mu mbeera mbi nnyo abalabe ba Buganda gye baalulekamu, Olubiri kye kimu ku bifo ebitono Abaganda bye bakyasigazza era bye beenyumiririzaamu. Enfunda nnyingi buli lwenfuna akakisa nnyingira mu Lubiri ne ntambula okulwetooloola lwonna. Olw'akasiriikiriro akalulimu nfuna akakisa okwefumiititriza n'okwenyumiriza olwa bajjajjaffe abaaluteekawo era abaalukoleramu ebirungi ebingi ebyakulaakulanya Buganda. Muli mpulira nga Musa ow'omu Bayibuli eyeesanga ku kisaka ekyali kyaka omuliro so ng'ate tekiggya. Anti ekifo ekyo kyali kifo kitukuvu. Nange okulinnya obulinnyi ekigere ku ttaka mu Lubiri kinzijukiza nti ndi mu kifo kitukuvu. Ekirala, bwe ndaba abaana b'essomero lya Nnaabagereka nga bazannya, n'ab'essomero lya *Lubiri High School* nga bakumba nsanyuka bya kitalo; muli ŋŋuma okumanya nti abaana abo abayigirize bajja kuggumiza Buganda ey'omu maaso.

Ekyokuna, tetusaanye kwerabira musaayi gwa bakadde baffe, baganda baffe ne mikwano gyaffe ogwayiika nga bataasa Olubiri nga lulumbiddwa eggye lya Obote eryalutaagulaataagula. Okulukutulakutulamu kuba kulya lukwe mu baagalwa baffe abo awamu ne Ssekabaka Muteesa II eyali omuduumizi waabwe. N'ekirala, okulukeculakecula kuba kutuukiriza bigendererwa bya balumbaganyi abo abakyawa Obuganda n'okukulaakulana kwabwo. Tekyewuunyisa kulaba ng'abamu batandise okukuba gudiikudde.

Ekyokutaano, bwe kiba nga ekigendererwa mu kukutulakutula mu Lubiri ne mukusenza mu bitundu byalwo ebimu abasuubuzi kufunira Gavumenti ya Kabaka nsimbi na kukulaakulanya Buganda, nze ndaba ng'eno si y'engeri esinga obulungi okutuukiririzaamu ekigendererwa kino. Kabaka, katugambe Buganda, alina ettaka eddala lingi mu bibuga ne mu byalo eriyinza okwazikibwa abasuubuzi okukolerako emirimu gyabwe. Ekirala, okukulaakulana kwa Buganda

okw'omuggundu kujja kuva mu masamba manene agalima ebirime eby'ettunzi na mu makolero amanene agasobola okufunira Abaganda emirimu awamu n'okukola ebintu ebitali bimu ebisobola okutundibwa mu mawanga ag'ebweru. Bino bye bijja okuganyula Abaganda abasinga obungi; si maduuka mu Lubiri.

Eky'okusalira ebika bya Baganda ebibanja mu Lubiri nakyo tekiggya kuyamba. Ebika si bibiina bya busuubuzi. Okusuubula si mulimu gwabyo era tebigusobola. We byalemererwa okulabirira empangi entono ennyo ezaabisalirwa ku Nnyanja ya Kabaka, mmawe, binaasobola bitya okuzimba amaduuka mu Lubiri ageetaagisa obutitimbe bw'ensimbi? Nedda, nze ŋŋamba nti ebika babireke byemalire ku byabuwangwa, ebyobusuubuzi babibisonyiwe.

Ekyomukaaga, newaakubadde nga Olubiri lulabika okuba olugazi ennyo, nze ndaba nti lwandisigadde kitole nga bwe luli kati. Okulukecula olw'okwagala okulufunza si kituufu. N'okulukoleramu ebintu ebigenderera obugenderezi okulujjuza nakyo kikikyamu, naddala ebintu ebyo bwe biba birujaajaamya.

Ebintu byonna ebinaasembebwa okukulaakulanya Olubiri bisaanye bibe ebyo byokka ebikuuma ekitiibwa kyalwo. Mu bino byonna Twekobe kye kitikkiro. Kino tekyetaaga kwogerera. Ku bintu ebirala, nsemba ebirowoozo bya bannange abalala aboogedde ku mayigirizo n'amatendekero ag'enjawulo, omwo nga otwaliddemu yunivaasite. Era nsemba ne *museum* omulabirirwa ebyobuwangwa bwaffe. Ku bino nnyongerako ebizimbe by'ebitongole bya Gavumenti ya Kabaka ebitali bimu, nga bwe kyabanga edda. Era nnyongerako okusimba ennimiro z'omuddo, ebimuli n'emiti gy'omu Buganda okufaananako *Botanical Gardens* e Ntebe, *Queen's Park* mu Kibuga Vancouver e Kanada ne *Covent Gardens* e London. Ennimiro zino zijja kusikiriza abalambuzi bangi era zijja kuba ekifo Abaganda n'abantu abalala gye banaagendanga okuwummuza ku birowoozo.

Eky'okuzimba amasinzizo mu Lubiri, nga akakiiko bwe kaawa amagezi, nze sikisemba. Ebweru w'Olubiri waliyo amasinzizo mangi agamala. Ekirala, amasinzizo mu Lubiri gayinza okuttukiza embiranye n'obukiiyaganyi mu Baganda, ebiyinza okutuzza emabega. Ekindi, mu kaco kano mu Buganda mulimu enzikiriza lutontomoli. Sikikakasa nga kinaasoboka okuwa enzikiriza zino zonna ebibanja mu Lubiri. Okugamba nti bajja kuwa nzikiriza eŋŋundiivu zokka kijja kuba kusosola mu bantu ba Ssaabasajja.

Ekisaawe ky'ennyonyi mu Lubiri nakyo kikyamu. Kya bulabe nnyo eri Nnamunswa n'abantu be ababeera mu Lubiri. Tulabire ku Bungereza: ennyonyi tezikkirizibwa kusaalimbira waggulu wa Lubiri lw'e Buckingham. Abo abaali batadde ekisaawe mu Lubiri lwaffe baakikola mu mutima mujoozi, gwa ttima era na gwa kuzikiriza Buganda. Okukittukiza kuba kuzzaawo Malire, erinnya abakyayi ba Buganda lye baali batuumye Olubiri nga lukyali nkambi za magye. Mutusaasire, bannaffe!

Ekisembayo, okuzikiriza kiba kyangu nnyo okusinga okuzzaawo. Mu ngeri ye emu okuzzaawo Olubiri tekijja kutuukibwako yiriyiri. Kujja kutwala ebbanga ggwanvu. Ffe ab'omulembe Omutebi ka tukole ekyo kye tusobola; ab'emirembe egiriddirira okwo kwe balyongereza. Weewaawo, omulimu guno gujja kwanguwa singa Buganda eddizibwa enfuga yaayo eya federo esolooza omusolo. Awatali nfuga eyo Buganda ejja kukisanga nga kikalubo nnyo nga Olwazi

lwe Nnamuganga okuzzaawo oba okulabirira ebintu byayo ebyaginyagibwako, ebimu kati ebigenda bigiddizibwa. Ekikulu kati kwongera maanyi mu kutakabanira nfuga ya federo. Kyokka ebyo nga bikyali bityo tetusaanye kukeculakecula mu Lubiri. Tetusaanye kuluyingizaamu oba kulusembereza ffujjo na ncaakaali.

Prof. Dr. D.D.Ntanda Nsereko
Max-Planck-Instiut für ausländische und internationales Strafrecht
Freiburg, Germany.